Engeri akabenje gye kaatuzeemu omugagga w'e Masaka n'abaana be

Bya HANIPHER NAMUWONGE, GODFREY SSEMPIJJA NE LAWRENCE KIZITO

OMUGAGGA w'e Masaka John Bosco Ssenyonjo yakedde ku makya nnyo n'abaana be basatu ne mukyala we, ne basimbula okuva e Masaka, nga boolekera ku kisaawe ky'ennyonyi e Ntebe.

Muwala we omu nga ye Sherina Ssenyonjo baabadde bamutwala ku kisaawe alinnye ennyonyi emutwala e Buyindi gy'abadde asomera obwa yinginiya ng'ali mu mwaka gwakubiri.

Kyokka tebaasobodde kutuuka! Akabenje ddekabusa kaabatuze nga batuuse e Mpala, okukkakkana nga ssemaka eyabadde avuga afudde, muwala we Sherina Ssenyonjo eyabadde agenda ku misomo nga naye afudde, kw'ossa omutabani Simon Ssenyonjo. Omuwala omulala Sharon Ssenyonjo yasimattuse n'ebisago eby'amaanyi.

ENGERI AKABENJE GYE KAAGUDDE

Omwogezi wa Poliisi y'ebidduka mu ggwanga, SP Michael Kananura yagambye nti, akabenje kano kaaguddewo ku ssaawa 12:30 ez'oku makya, emmotoka nnamba UBG 734S Toyota Land Cruiser eyabadde ewenyuka obuweewo ng'eyolekera e Ntebe ku kisaawe bwe yalemeredde omugoba waayo Ssenyonjo n'esooka etomera empagi y'ebitaala by'oku nguudo, oluvannyuma n'etomera enkondo y'oku kkubo, ne yeevulungula emirundi egyawezeeko.

Abantu basatu baafiiriddewo okwabadde taata John Bosco Ssenyonjo eyabadde avuga, muwala we Sherina Ssenyonjo, ne mutabani we Simon Ssenyonjo. Ye Sharon Ssenyonjo ne nnyina Jane Nabukeera baddusiddwa mu ddwaaliro ly'e Ntebe Grade B gye baafunidde obujjanjabi obusookerwako, ate oluvannyuma ne babongerayo mu ddwaaliro lya IHK e Namuwongo.

Abaabaddewo nga Poliisi etwala abaasimattuse mu ddwaaliro, baatutegeezeza nti omuwala Sharon Nanyonjo mu mmotoka baamutemyemu butemi!

Emmotoka Ssenyonjo mwe yafunidde akabenje.

EBIWOOBE E MASAKA

Amawulire g'okufa kwa Ssenyonjo, abadde omusuubuzi w'emmotoka era makanika wa zi Fuso ow'amaanyi mu Masaka, bwe gaatuuse e Masaka emiranga gyasaanikidde, ng'abatuuze n'ababadde bakola naye baazirana olw'omuntu waabwe okufa mu ngeri ey'amangu, ey'obulumi, ejjudde entiisa kyokka n'abaana be nabo ne bafa!

Fuso abadde azikanikira mu Mabeera, mu divizoni ya Nyendo Mukungwe. Muto w'omugagga Ssenyonjo nga ye Peter Mbaziira, wakati mu bulumi yagambye nti, yababuulidde nti agenda kuzza muwala we ku ssomero, kyokka n'asalawo n'abaana be abalala bawerekereko munnaabwe ng'agenda okusoma.

Ennyonyi eyabadde emutwala yabadde esimbula ku ssaawa 3:00 ez'oku makya, kye baavudde bakeera ennyo basobole okutuuka ku kisaawe mu budde.

Wabula Mbaziira (muto w'omugenzi) yatambulidde mu mmotoka ndala nga y'avuga emigugu gy'omwana eyabadde agenda okusoma. Obudde nga busaasaana, Mbaziira yannyonnyodde nti baafunye essimu okuva ku w'oluganda omu, eyababikidde. Maama w'omugenzi, Maria Norah Nakayiza bwe baamubikidde yasoose n'azirika okumala akaseera, bwe yazze engulu n'alinnyirawo emmotoka agende e Kampala akakasize ddala bye baamugambye.

Mbaziira yagambye nti, mukulu we abadde yeeteekerateekera kufuna bufumbo butukuvu, era abadde n'amaka gaggadde g'azimba e Mukungwe, gy'abadde yeesunga okutandikira obulamu obuggya ng'amaze okugattibwa, ekitasobose.

Abakungubazi okusingira ddala abagagga b'omu Nyendo baakung'aanidde mu maka ge agasangibwa mu Kasana gye baakumye olumbe, ate abakungubazi abalala ne bagenda mu maka ga nnyina e Kyalusowe.

Aba ffamire bategeezeza nti omugenzi alese abaana abawerako n'abakyala.

Omugenzi Ssenyonjo ate ku ddyo ye wooteeri ye gy'alese. Kozesa App ya Vision Digital Experience olabe vidiyo.

EBYOBUGAGGA BY'ALESE

- Wooteri ya Jenessa mu Nyendo.
- Amaduuka okumpi ne ggalagi w'abadde akolera.
- Ekizimbe kya kalina mu Nakayiba mu Nyendo.
- Ennyumba y'amaka mu Kasana mu Nyendo.
- Amaka aga kalina e Mukungwe.